# Bugembe waakusanyusa abato mu kivvulu kya Toto ku Ssande

Bya PATRICK KIBIRANGO

PASITA Wilson Bugembe, y'omu ku bagenda okusanyusa abato n'abazadde abanajja mu kivvulu kya Toto ku Ssande eno ssaako n'okubawa omukisa.

Toto Christmas Festival, y'embaga y'abato eggalawo omwaka etegekebwa kkampuni ya Vision Group, ng'ey'omwaka guno egenda kubeerawo ku Ssande eno nga December 7, 2025 ku ssomero lya Kampala Parents e Naggulu.

Ekivvulu ky'omwaka guno kiwagiddwa; Ruparelia Group, Indomie Instant Noodles, Pepsi, Toyota Uganda, SUMZ n'ekitongole ekivunaanyizibwa ku kuwandiisa densite mu ggwanga ekya National Identification Registration Authority (NIRA).

Okuyingira abato 10,000/- ate abakulu bwereere kasita ojja n'omwana n'omusasulira, ng'emiryango gyakuggulwawo ku makya.



Pasita Bugembe

Pasita Wilson Bugembe y'akulembeddemu abayimbi abagenda okusanyusa abato era waakuyimba ennyimba ze zonna, okunyumyaamu n'abato wamu n'okusabira abanaabaayo omukisa ogw'enjawulo.

Daxx Kartel Omuyeroba ne Nando Love owa Kinnawolovu, nabo bagenda kubaayo okusanyusa abaana.

Eby'okuzannyisa bingi bigenda kubeerayo omuli ebyesuubo, okuwuga, bouncing castles, okuvuga endogoyi n'embalaasi n'ebirala bingi.

Abato bajja kuweebwa omukisa okwolesa ebitone byabwe era bawangule ebirabo okuva mu bavujjirizi n'abategesi aba Vision Group.




Musaayimuto ng'ayolesa ekitone.

Omukungu okuva mu NIRA, Charles Nsimbi, yakakkasizza nti baakubaayo batuuse empereza zaabwe zonna ku baana n'abazadde abaneetaba mu kivvulu kino.

Kitunzi wa Indomie, Allan Namanya, yagambye nti abayizi abaneetaba mu kivvulu bagenda kuwangula 'hamper' okuva mu kkampuni yaabwe era n'akunga abazadde baleete abaana bawangule nga bwe banyumirwa.